BITM NO. 5

OKUGULA N'OKUTUNDA

LWAKI AKATABO KANO?

Akatabo kagenderera okuwa omutandisi womulimu enyanjula yebyo ebikulu mu mateeka nokugezesa engula nentunda ennungi. Kkaatiriza obukulu mu kukakasa obuwanguzi bwomulimu.

OKUGULA N'OKUTUNDA

Emirimu egisinga gibaamu okugula n'okutunda ebyamaguzi oba obuwereza. Abafulumya nga amakampuni bagula ebyo abijjibwamu batunda ebyo byebafulumya eri abatunzi ba kolijja ate nabo nebaguza abo abatunda lejja lejja. Atunda lejja lejja ate naguza agenda okukikozesa kunkomerero.

N'olwekyo abobukolelo obutono bangi bafulumya nokuguliza ddala oyo agenda okukikozesa. Mu mirimu emiwendo egigula ebikozesebwa oba ebintu ebyokutunda mikulunyo kubanga gyegikola emiwendo egyanditundidwako ebyo ebiwedde oba abo bogenda okuwereza ate era bijja kukosa oyo abyetaaga (abaguzi bo).

Era obwetaavu buyinza nate okukosa enyingiza omukozi gyanafuna kunkomeerero y'olunaku mu kugula n'olwekyo kikulu okufuna emiwendo emirungi ate nokugula ebyo eby'omutindo oba ebikozesebwa okujjamu by'onotunda.

Omulimu gwo guteekwa okuba nenkola ennungamu nentekateeka enyinyonyole eyokugulabirira oba okulagiriza ebitundibwa oba obuwereza, olwokusobozesa omutindo nemiwendo gy'ebyo byotunda abaguzi okubikiriza. Enkola yandibadde nti owandiika ebyo byonna byebetaaga/byebasabye, ennaku z'omwezi, obungi, abanabikutuusaako era banabikutuusiza mungeri abaguzi gyebakiriza.

Buli akwatibwako omulimu gw'okugula ebintu ebikozesebwa mu mirimu ateekwa okwegendereza enkyukakyuka y'obutale nga ekiseera ekyekyengera nga abikungulwa byabala nyo kiyinza okuleeta okukka kwemiwendo mu birime.

ENGERI Y'OKUGULA

- **ENGULA Y'OMUNTU:** Wano wolabira eky'okugula ekiwereddwa omuwendo, agukiriza era n'asasula ssente zonna oba akolebwako ekyo kyayagala kyenyini.
- **OKUSIBAKO**. Wano omuntu asasulako ekitundu kye ssente kwezo ezikigula ate endala nazisasula mubitundutundu wiiki oba omwezi okutuusa lweziggwayo kino kisinga kuba ku bintu ebinene nga Firiji eri oba abatunda ebinyogoga nebirala.
- **ENGULA EYOKUVUGANYA:** Wano ebyokugula bitekebwawo olunaku lumu n'ekiseera, era emiwendo gisalwawo oyo asinga ensimbi ezawaggulu okusobola okukigula.
- **OKUTUNDA (**Okukyusa ekigulibwa oba obuwereza mu nsimbi) kino kyekimu kubintu ebikulu eri oyo addukanya omulimu kubanga kyekisalawo enyingiza y`omutandisi byafuna. Okusaba kwa abaguzi abeetaaga byoba okoze. Okutunda kwenyini ensabika no kuteketeeka bw'onobiwereza okusobola okutuuka ku miwendo emituufu kikulu nyo gyoli okutuukirira abaguzi abanagula era nokubasikiriza okubigula. Engeri nyingi gyoyinza okubikolamu;
    1) Okukozesa omutunzi/omusubuzi asobola okutuukirira abanagula era nababadde bagula okubatuusaako ebyokugula nga abatembeyi bwe bakola.
    2) Okulanga, kino kisoboka ngolanga ku Radio, empapula zamawulire, okukola ebipande n'obissa ku bubaawo bwekyalo okusinzira ku bikolebwa n'abantu byebetaaga ebivaamu. Mubyalo bangi tebamanyi kusoma tosobola kukizesa mpapula zamawulire kozesa enkiiko/omusubuzi asobola okutuukirira abanagula era nababadde bagula okubatuusaako ebyokugula nga abatembeyi bwe bakola.
    3) Okutumbula N'okwolesa, omugaso gw'okutumbula kwekuwayo abantu abulabo basobole okugula ebyamaguzi byo. Nga okwongeza/okusalako ekyokulabirako nga chapati ssatu ku muwendo ogwe bbiri. Oyinza okubawayo ekyobwerere okubamanyisa kyolina. Osobola okutumbula ebyamaguzi byo nga oyita mu kubitimba n'okubyolesa. Kino kikuwa omukisa okutimba ebintubyo, okunyonyola abo boyoleseereza byebafunamu kwebyo ebikugulwako.

EBIWANDIIKO: Enkalala z'emiwendo kisoboka okuziwereza kubakugulako bowereza ku bulango bwo, oba banyinizo okuwereza okwebuza kwabwe eri abaguzi bebasubira okuba/okufuuka ababo. Enkalala z'emiwendo bebasibira okuba/okufuuka ababo. Enkalala zemiwendo nebiwandiko ebikwata ku mulimu gwo bigabonyizibwa mu bitundu eri ababisabye bolonze okusinzira ku kikakyabwe ekye byobusubuzi.

OMUTENDERA GWOKUTUNDA: Katulowoze nti omutunzi wenkoko yatadde ku kamu ku kabawo kokulalika ekyalo nekirango ku C.B.S nti alina enkoko ennungi ezenyama zitundibwa. Era tulowooza nti kawoteeri oba baala enoonya enkoko ennungi gino gyemitendera.

1) Okwebuza kawoteeri kasobola okwetaaga okufuna amawulire agasingako nga tekanaba kutekayo kusaba nkoko zino. Bajja kwebuza. Kino kisoboka nga bawandikira amabaluwa nga bateekwa okuba nessimu okwebuza kuyinza okukwata ku miwendo, zibawo ddi, obungi bwenkoko, engeri gyezinamutuukako (omuguzi owa woteeri) etc.

2) Okudda mu kyebuziddwako osobola okuddamu nebaluwa oba essimu mu emu kungeri zino – olukalala lwemiwendo luno lujja kubaako ebyogerwako nemiwendo okugeza;

   (a) Enkoko kilo 2 - 5,000
   - Wansi wa kilo 2 - 4,000
   - Ennongoose n'okusabikwa - 6,000

   (b) Okuwereza ebiwandiiko ebinyonyola. Kino kye kiwandiiko ekiraga nti okkirza okutunda ebintu ebyenjawulo/ebimu ku miwendo egiragiddwa ku bukwakulizo obulagiddwamu/obutekeddwamu.

3) Ekiwandiiko ekinyonyola ebiwereddwa omuguzi

   Kino kikozesebwa atunda olwokunyonyola engereka y'emiwendo egyebyamaguzi eri oyo gwasubira okumugulako. Era kiraga bulungi ekika kye byamaguzi, omutindo nebirala ebyenjawulo. Kikozesebwa era singa emiwendo gy'okomako gibeera gibusibwabusibwa.

4) Okuteekayo okusabakwo byewetaaga

Ngomaze okufuna byonna ebyetagisa omuguzi akola ekiwandiko ekisaba byayagala.

Asobola n'okukola bwatyo mu bimu kubino

- Ebbaluwa essaba kyoyagala
- Ekiwandiko ekikolebwa oyo agula nga akirizza okugula ekyo kyayagala ku muwendo gwasimye era n'obukwakulizonga ennaku zomwezi zayagala bimutuusibweko era nekifo wabyagala.

Okujjuza ekiwandiiko ekisaba: kino kikolebwa nga omutunzi tolina biwandiiko bino ebitegeke.

Ekiwandiko ekisasulibwako alisiti

Ku ddala lino omutinzi asalawo abo okutunda abbanja oba nedda. Bwekiba nga agula asazewo okusasula obuliwo si bbanja oba omuguzi ayagala kusasula sente ezobuliwo bino byebimu ku bibaawo.

Ssente nokusaba byonna bijjire wamu. Omuguzi asabe n'ensimbi.

- Sente zibeere mu mukono nga otwala byoguze omutunzi afuna sente ngayakawayo byatunda.
- Ezabuliwo: Omuguzi asasulira byayagala nga bwabitwala okuva ew'omutunzi oba mukifo kyonna w'ebiba omugizu bwaba asasula mu mpeke aweebwa ekiwandiiko ekiyitibwa alisiiti ekikakasa nti asasudde oyo akitunda nze ekyokulabirako:

LWEZA POULTY FARM
Plot No. 56B Namulondo
Box 4532 Kampala
Uganda
Tel. 077 999999

EKIWANDIIKO OKUSASULILWA

NO. **ENNAKU**

Nzifunye okuva;: ……
Omuwendo gwe`nsimbi: ……
Kyasasulidde. ……
Zakyeke: ……
|Mpeke:

OMUKONO:

6) Ekiwandiiko: Ekiraga ebbanja bweriyimiridde

Omuguzi oyinza okusaba okugula ebbanja bwekiba nga gwemulundi ogusoose okukugulako, kikulu okumanya nti asana okuweebwa ebbanja. Bino byebimu ku mawulire agekyama agaba mu byemukaanyako nomuguzi gw'osubira okuwereza;

a) Omuguzi onogyatereka oba abayambi be
b) Baani abalala bakolagana nabo?
c) Ani omulala amumanyi mu baguzi bo abakadde?

7) Ensabiika yebyobusubuzi byo

Ensabika kyekimu ku bintu ebikulo mu kutunda ebyamaguzi. Ebyo ebitasabikiddwa bilungi biyinza okudiba okwononeka. Oluusi nokufa mukiseera wobitusiza kwoyo anabikozesa. Bangi abafulumya ebyamaguzi nga byebimu naye ngabo beyunirwa abaguzi lwakuba ensabika yaabwe nungi nentono yaabyo.

8) Ekiwandiiko ekifunirwako ebintu

Kino kyekiraga obujulizi nti ebintu biwereddwa omuguzi obungi era n'omutindo gwebiriko era ng'omuguzi bwabyetaaga. Kino kyekiseera omuguzi wabijjira eri omutunzi okubitwala ewuwe. Kiwandikibwa oyo atunda ate agula nassaako omukono. Mubamu amanya g'oyo atunda era naguze, enyinyonyola yekyo ekitundibwa, omutindo kwekiguliddwako obungi erinya ly'o'yo akimuwereza ate n'erinya ly'oyo akitwala (omuguzi).

9) Ekiwandiiko ekibanja ngolina byozizza oba byottafuna

Ebyamaguzi bwebyononekera mu kiseera wobiwera omuguzi/singa owereza ebitono okusinga ebyo ebiri kulukalala olusaba ebyokuguzibwa oba singa owereza akakasa ebyo ebyasabwa okuwerezebwa olwo ekiwandiiko ekiraga byobanja kiwerezebwa olwokusaba ensimbi ezasukka mw'ezo ezirabikira ku kiwandiko okulaga abiguliddwa oba nga kyawandiikibwako ensobi, abo okuguzibwa kwebintu ewomutunzi, mu kifo kyomutunzi okubanja ensimbi, kibanja bintu.